


Omubuvuka eyatemeddwaako ekibatu. Mu katono kye baatemyeko.

# Ow'emyaka 17 bamutemyeko ekibatu mu bubbi

Bya ERIA LUYIMBAZI

OMUBBI eyamenye ennyumba y'omutuuze mu zooni ya Mugongo A mu Kyengera Town Council mu ggombolola y'e Nsangi mu matumbi akiguddeko bwe bamutemyeko ekibatu ne kigwa wali poliisi w'emuggye n'emuddusa mu ddwaaliro.

Bino byabaddewo ku Lwokutaano ku ssaawa 9:00 ez'ekiro omuvubuka atemera mu myaka 17 ng'abeera ku kyalo Kazinga bwe yagenze n'amenya ennyumba n'asiba ebintu ng'alabirizza nga nnyiniyo taliimu.

Omwogezi wa poliisi mu Kampala n'emiriraano, Rachael Kawala yagambye nti omuvubuka yasibye ebitereke bibiri n'asooka atwalako kimu nga tewali amulabye n'abaako gye yakitutte oluvannyuma n'adda anone ekisigadde.

Kawala agamba nti omuvubuka bwe yakomyewo, nnannyini nnyumba n'amukwata ne wabaawo akanyoolagano ng'omuvubuka agezaako okudduka wabula ne bamunyweza ne bamutemako ekibatu ky'omkono ogwa ddyo ne gugwa wali.

Omuvubuka baamuddusizza mu ddwaaliro era poliisi y'e Nsangi enoonyereza ku kyabaddewo nga bagguddewo omusango nga balinze omuvubuka akube ku matu abitebye.